Essomo 2

Katonda Afaanana Atya?

Olubereberye 1

Emirembe gibe nammwe, ab'emikwano apampuliriza. Tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'Emirembe, ayagala buli omu okutegeera n'okwewaayo mu kubo ery'obutuukirivu ye lye yateekawo, n'okufuna emirembe egyannamaddala na ye. Tulina essanyu olw'okusobola okukomawo nate olwaleero okubatusaako pulogulamu yaffe emanyiddwa nga *Ekkubo ery'Obutukirivu*. [Olwaleero ly'essomo ery'okubiri lye tutaddeko omutwe ogubuuza nti "Katonda Afaanana Atya?"]

Mu pulogulamu zino tujja kubabuulira ebyafaayo bya Bannabbi ba Katonda. Era tuteekateeka okuyitayita mu Byawandiikibwa Ebitukuvu Bannabbi abo byebawandiika; ebiraga ekkubo ery'obutuukirivu, Katonda lye yalagira okusobozesa abantu okubalibwa nga abatuukirivu mu maaso ge.

Mu ssomo lyaffe erisooka, twayogera ku Biwandiiko bya Bannabbi. Twakizuula nti Bannabbi abaawandiika Ebyawandiikibwa Ebitukuvu baali bawerako naye kyokka mu butuufu Omuwandiisi ali Omu yekka. Oyo ye Katonda. Mu ssomo lyaffe eryo twakuleka n'ekyokulowoozako ekikulu. Ekyokulowoozako ekyo kyali nti: Katonda ayogedde! Katonda ayogedde eri abantu ng'ayita mu Bannabbi era ayagala buli omu kuffe amuwulirize. Katonda ayagala okwogera naffe ng'ayita mu Biwandiiko bya Bannabbi. Katonda takyuuka n'olumu, era n'Ekigambo kye bwekityo, tekikyuuka, Mu buli mulembe Katonda akuuma Ekigambo Kye. Mu Yokaana 10:35 atugamba nti, "…*Ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba*." Ate mu 1 Yokaana 2:17 agamba nti, "*Era ensi eggwaawo*…n'agattako mu 1 Peetero 1:25 nti, *"Naye Ekigambo kya Mukama kibeerera emirembe n'emirembe.*" Ebyawandiikibwa bwe bityo bwebigamba.

Olwaleero tugenda okutunula mu kitundu ekisooka mu Byawandiikibwa Ebitukuvu. Kino kyekiyitibwa Torah. Katonda yateeka ekitabo kino mu birowoozo by'omusajja ayitibwa Musa. Katonda yabuulira Musa eky'okuwamdiika era Musa n'akiwandiika. Emyaka nga enkumi satu mu bitaano egiyise okuva ku biseera bya Musa Torah erimu ebitabo bitaano oba ebitundu bitaano. Ekitundu ekisooka kimanyiddwa nga ***Olubereberye***. Ekitabo kino kirimu essuula makumi ataano. Ekitabo kino kiyititibwa Olubereberye kubanga kitubuulira ebyaliwo olubereberye.

Kikulu gye tuli okumanya obulungi ekitabo ekisooka mu Torah kubanga gwemusingi Katonda gwe yateekawo okutusobozesa okutegeera ky'agamba mu bitabo ebirala ebya bannabbi ebiddako. Kale bwetwekkaanya ekitabo kino kijja kutugasa okumanya amazima amakulu mangi. Tujja kuyiga ebikwata ku Katonda ne bw'afaanana. Tujja kuyiga ebikwata ku bamalayika ne Setaani, eggulu n'ensi, n'ebisolo n'omuntu. Tujja kulaba engeri ekibi gyekyayingira mu nsi nekireeta ddekabusa n'ennaku ey'ekitalo. Kyokka mu ngeri y'emu tujja kwe kenneenya n'obwegendereza, ekkubo ly'obulokozi Katonda lyeyateekawo okusobozesa aboononyi okukomawo gy'ali n'okufuna enkolagana na Ye. Mu ngero z'ebyafaayo ezisooka tujja kulaba abantu abasooka, ekibi ekyasooka n''omutemu eyasooka. Tujja kusoma ku maddiini ag'obulimba agasooka, bannabbi abasooka , n'amawanga agaasooka. Tujja kulowooza ku lugero lw'Adamu ne Kaawa, Kayini ne Abiri, Nuwa

n'amataba, nnabi wa Katonda Ibulaamu, na lwaki yayitibwa *mukwano gwa Katonda.* Tujja kulaba Isimayiri ne Isaaka, Esawo ne Yakobo, ne Yusufu ne baganda be ab'enkwe. Ekitabo ekisooka mu Torah kirimu bino byonna n'ebirala bingi ebisingawo.

Kati n'olwekyo, mikwano gyaffe, tubasaba okuwuliriza n'obwegendereza, kubanga ekiseera kyaffe eky'okwekenneenya Ebyawandiikibwa bya Bannabi nga bwebiddiring'ana kituuse.Mu kitabo kya Torah ekisooka, essuula esooka, olunyiriri olusooka tusoma nti: "***Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi***." (Olubereberye 1:1). Wano wetulina okutandikira essomo lyaffe mu Byawandiikibwa Ebitukuvu, kubanga wewano Katonda Ye kennyini watandikira Ekitabo Kye. "*Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi.*"

Mu lunyiriri luno waliwo ekintu kyetulina okulowoozaako. Kiki ekyaliwo Nga Katonda tannatoonda ggulu na nsi? Kiki ekyaliwo ng'ensi tennabaawo? Ebyawandiikibwa bitulaga nti tewali kintu kyonna okujjako Katonda. Kyekiva kigamba nti, "*Olubereberye Katonda*" Buli kimu kyetusobola okulaba n'okukwatako kirina entandikwa. N'olwekyo edda ennyo waliwo ekiseera awataali bwengula, lukalu oba nnyanja yadde emiti. Katonda bweyali tannatonda ggulu na nsi, tewaaliwo njuba, tewaaliwo mwezi yadde emmunyeenye. Tewaaliwo bantu, yadde bamalayika. Kwegamba olubereberye waliwo ekiseera nga tewali kintu kyonna okujjako Katonda.

Eyo y'ensonga lwaki tusoma mu lunyiriri olusooka olw'ekitabo ekyasooka mu Byawandiikibwa Ebitukuvu nti, "*Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi*."Ebyawandiikibwa tebigamba nti, "Olubereberye Katonda ne bamalayika…" oba nti, "Olubereberye Katonda n'abantu…" Nedda. Ebyawandiikibwa bitugamba nti, "*Olubereberye Katonda…*" Olubereberye nga tewali kintu nga bamalayika yadde abantu nga bannabaawo, waaliwo Omu omulamu. Oyo ye Katonda.

Mu nsi yaffe abamu bagamba nti, "Katonda sisobola ku mulaba, n'olwekyo siwali Katonda." Eri abo abegaana okubaawo kwa Katonda twagala tubabuuze obubuuzo butonotono. Wali olabye atom? Oxygen oba omukka gw'ossa wali ogulabye? Empewo ekunta wali ogirabye? Empewo ekunta togiraba naye okimanyi nti empewo weeri. Osobola bulungi okulaba emiti nga giyuuga mu mbuyaga kyokka embuyaga tewali n'omu agiraba. Tosobola kugikwata mu ngalo naye kyokka owulira nga ekufuuwa. Bwekityo bwekiri ne ku Katonda. Tetusobola kulaba Katonda kubanga tasobola kulabibwa maaso ga muntu. Kyokka **tukimanyi nti Katonda gyali kubanga tulaba ebyo Katonda byeyatonda**. Ebyawandiikibwa bitugamba mu Abaruumi 1:20 nti: "*Kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe; obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza.*"

Ekintu ekirala kye tuyiga okuva ku lunyiriri olusooka mu Torah kye kino nti: **Katonda talina ntandikwa**. Talina buttoned. Katonda teyatondebwa mu lubereberye. Tewali yamuzaala. Tewali yamutonda, era teyetonda. Kyetuva tusoma mu Byawandiikibwa nti, "*Olubereberye Katonda…*" Ye yekka atalina ntandikwa. Y'Omu abaddewo olubeerera era omulamu emirembe n'emirembe. Mukama ky'erinnya lye. Bw'afaanana olwaleero, bwe yafaanana ne jjo. Bweyafaana jjo bw'alifaanana emirembe n'emirembe. **Katonda talikyuuka**.

Waliwo ekintu ekirala kye tusobola okuyiga okuva mu lunyiriri olwo olugamba nti, "*Olubereneryе Katonda eggulu n'ensi.*" Kye kino, Nti **Katonda mukulu**! Katonda eyatonda buli kintu, mukulu okusinga buli kimu na bulu omu. Ye Mukama w'Obutonde. Mazima n'omutima gwaffe gwonna tusobola okweyama nti "*Allahu Akbar!*" (Mu Luwalabu,

Ekitegeeza nti Katonda yasingayo obukulu!) Katonda mukulu! Talina amwenkana. Mukulu okusinga buli kimu—ennyanja ennene, empewo ekunta, enjuba n'emmunyeenye! Mugezi era wa maanyi okusinga emizimu gyonna n'abantu. Agwanira ekitiibwaemirembe n'emirembe! Kiringa omuntu azimbye ennyumba bw'aba omukulu okusinga ennyumbe. N'olwekyo Katonda asukuluma ku buli kimu kubanga yeyatonda buli kimu. Katonda mukulu! Aba mulamu ku lw'amanyi ge. Teyesigama ku kintu kyonna. Teyesigama ku muntu yenna. Katonda mukulu okusinga buli kimu. Talina kye yetaaga. Talina gwe yetaaga. Ye ye Mukulu Yekka.

Ffe abantu tulina bingi bye twetaaga. Buli lunaku tuteekwa okussa omuka, okwebaka, okunywa n'okulya. Twetaaga omusana n'enkuba, emmere n'amazzi, engoye n'ennyumba, taata ne maama, emikwano, sente n'ebirala bingi. Mmenye ki era ndeke ki ku byetaago byaffe! Kyokka Katonda eyatonda byonna talina kye yetaaga. Talumwa njala. Talumwa nnyonta. Takoowa. Talina mubiri ng'omuntu. Talina kimukugira. Talina nkomerero. Ye Katonda ow'emirembe n'emirembe. Y'Oyo Ow'amaanyi Gonna.

Kati ekibuuzo ekikulu kikino. Oba nga Katonda tali nga muntu era nga talina mubiri nga gwaffe, olwo afaanana atya? Ebyawandiikibwa biddamu bulungi ekibuuzo kino. Bitumba mu Yokaana 4:24 nti, "*Katonda gwe mwoyo:n'abo abamusinza kibagwanira okusinzizanga mu mwoyo n'amazima*." Katonda afaanana atya? **Katonda mwoyo**. Omuntu mubiri na mwoyo, kyokka Katonda mwoyo gwokka. Omwoyo wa Katonda takugirwa. Abeera buli wamu. Katonda ali wagugulu wa buli kimu na buli omu. Ajjuza buli kimu, alaba buli kimu. Ekiro n'emisana bye bimu gyali. Bwe wekweka mu kisenge kyo, Katonda abaamu era aba akulaba. **Katonda amanyi buli kimu**. Amanyi ebirowoozo byo n'omutima gwo bye gwagala okukola. Katonda mukulu!

Kale Katonda afaanana atya? Obolyawo tuyinza okufunzafunza bye tusomye olwaleeroi bwetuti**: Katonda talina gw'afaanana.** Katonda ye Katonda era talina amwenkana. Mu misomo ejijja mu pulogulamu eno Ekkubo Ery'obutuukirivu tujja kweyongera okutegeera empisa n'engeri za Katonda. Mu Byawandiikibwa Ebitukuvu, Katonda alina amannya bikumi na bikumi. Ye Mukama, Katonda Ali Waggulu Ennyo, Omuyinza w'ebintu byonna, Omutonzi, Abezaawo obulamu, Omusana, Omutuukirivu, Omutukuvu, Omusaasizi, Katonda w'okwagala. Ye Katonda omulamu era Ye Katonda ow'amazima!

Mu mazima Katonda eyatonda eggulu n'ensi olubereberye, ye Mukulu. Y'oyo Ebyawandiikibwa gwe byogerako:

Mu Abaruumi 11:33, 36 nti, "*Obuziba bw'obugagga obw'amagezi n'obw'okumanya kwa Katonda tomanyi bwe buli!...Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita gy'ali, era bituuka gy'ali.*" Ne mu 1 Timoseewo 6:15,16 nti, ye "Nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami; alina obutafa yekka, atuula mu kutangala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so siwali ayinza okumulaba: aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina.

Mu ssuula, nnabbi wa Katonda, Musa, atendereza Katonda mu luyimba olunyuvu ennyo oluli mu kitabo ky'Okubikkulirwa 15:3,4 awatugamba nti, "*Ne bayimba oluyimba lwa Musa omuddu wa Katonda, n'oluyimba lw'Omwana gw'endiga, nga boogera nti Bikulu era bya kitalo ebikolwa byo, Mukama*
Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna; ga butuukirivu era ga mazima amakubo go, ggwe Kabaka ow'emirembe n'emirembe. Ani atalitya, Mukama, n'ataliwa kitiibwa erinnya lyo?

kubanga ggwe wekka ggwe mutukuvu; kubanga amawanga gonna galijja era galisinziza mu maaso go; kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu birabise." Katonda talina kipimo mu bukulu bwe! Ekyo olunyiriri olusooka mu Kigambo kya Katonda kye lutuyigiriza bwe lugamba nti, "*Olubereberye **Katonda***!"

Kala mikwano gyange, nsaba amazima getuwulidde olwaleero tugakuumire mu mmeeme zaffe: "*Olubereberye Katonda*." **Katonda yekka** ye yaliwo olubereberye era n'olwekyo, **Katonda yekka** y'asobola okutubikkulira amazima ku ki ekyaliwo olubereberye. **Katonda yekka** y'asobola okutubikkulira amazima ku kiki ekinabawo mu luvannyuma. Era **Katonda yekka** y'asobola okutubikkulira amazima agamukwatako ye Kennyini.

Ddala tukimanyi nti abantu abamu bagamba nti, "Siwali n'omu ayinza kumanya Katonda yadde ebinaabawo mu luvannyuma!" Kyokka Ebyawandiikibwa bya Bannabbi bitugamba nti tusobola okumanya Katonda era nti tusobola okumanya gye tugenda okubeera emirembe n'emirembe. Kubanga Ekigambo kya Katonda kigamba mu 1 Yokaana 5:13,20 nti,

"*Ebyo mbibawandiikidde mmwe, mumanye nga mulina obulamu obutaggwaawo,.." era olwo "n'okutegeera tutegeere ow'amazima, ...Oyo ye Katonda ow'amazima, n'obulamu obutaggwaawo!* Ne kigattako ne mu 1 Abakkolinso 2:9, 10 nti, "*...Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, N'ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, Byonna Katonda bye yategekera abamwagala. Naye ffe Katonda yatubikkulira ku bw'Omwoyo: kubanga Omwoyo anoonya byonna era n'ebitategeerekeka ebya Katonda.*"

Ggwe atuwuliriza olwaleero, Katonda omumanyi ku lulwo. Oba omuwulira buwulizi ng'Omutonzi ali ebunaayira atamanyika? Mukwano gwange, Katonda ayagala omumanye era obeere mulamu naye emirembe n'emirembe. Ebyawandikibwa bya Bannabbi bitusomesa engeri gye tusobola okufuna enkolagana ey'omukwano ne Katonda. Kyokka tuteekwa okuggula amatu gaffe, n'okulowooza kwaffe, n'emitiima gyaffe eri ekyo Katonda ky'atugamba. Wuliriza Katonda ky'agamba mu Kigambo kye ekitukuvu. Mu Isaaya 45:22 agamba nti, "*Mutunuulire nze, mulokoke, mmwe, enkomerero zonna ez'ensi; kubanga nze Katonda so tewali mulala.*"

Mikwano gyaffe wano wetutekwa okukoma olwaleero.

Tubeebaza olw'okubeera naffe olwaleero. Mu pulogulamu eneddako, Katonda ng'ayagadde tujja kwogera ku bikwata ku Bamalayika ne Setaani. Omanyi ekituufu ku gye bava?

Katonda akuwe omukisa nga bw'olowooza ku lunyiriri luno mu Yokaana 4:24 nti

"***Katonda gwe mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzizanga mu mwoyo n'amazima***."